# Pulezidenti Museveni awabudde Bannayuganda ku kutangira Ebola

Bya SARAH ZAWEDDE

PULEZIDENTI Museveni alabudde Bannayuganda okwewala okwekwata mu ngalo basobole okulwanyisa okusaasaana kw'obulwadde bwa Ebola mu ggwanga.

"Tokwata muntu yenna mu ngalo era tewali nsonga lwaki omukwatamu akusiige obulwadde.Ebola mwangu okulwanyisa kuba omufuna mukwataganye n'omulwadde okusinga obulwadde nga Covid 19 obutambulira mu mpewo kyokka twasobola okubulwanyisa ne tubutuula ku nfeete," Museveni bwe yagambye.

Yabyogedde aggulawo olukung'aana lw'ebyobulambuzi ku Speke Resort e Munyonyo wiiki ewedde.

N'agamba nti, omusujja omungi n'okuggwaamu amazzi bye biviirako omulwadde wa Ebola okufa, kyokka bino abasawo basobola okubijjanjaba omulwadde n'awona.

Yagambye nti Ebola mwangu okulwanyisa ssinga ogoberera amateeka n'obukwakkulizo nga okwettanira okunaaba mu ngalo buli kadde.

Yagambye nti, baasisinkana olukiiko olukola ku kunoonyereza ku bulwadde bwa Ebola ne basalawo obutaggala nsalo za Uganda ne DR Congo kubanga bamanyi eky'okukola okubulwanyisa.

Yeemulugunyizza olw'ebitongole by'ensi yonna ebigaba amawulire amakyamu ku mbeera y'obulwadde buno bwe baagambye nti buli mu Uganda ne Congo, ekitiisa abantu.

Pulezidenti yagambye nti, Uganda ekulaakulanye era yatuuka ku ddaala ly'amawanga agali yaddeyaddeko ng'ekigiyambye kwe kwongera amaanyi mu bulimi n'obulunzi, amakolero n'ebirala.

Akulira Uganda Tourism Board (UTB), Julian Kaggwa yasiimye Pulezidenti olw'okuwagira ekitongole kino, ekiyambye okukulaakulanya ebyobulambuzi mu Uganda.



Museveni ng'ayogerako eri abantu mu lukung'aana lw'ebyobulambuzi e Munyonyo.